# Abasajja ne kye bateekeddwa okukola okuwangaala n'akawuka ka siriimu

**BUUZA OMUSAWO**

**DR. Nelson Musoba, akulira ekitongole ekikwanaganya emirimu ku nsonga z'akawuka ka siriimu mu ggwanga ekya Uganda Aids Commission alaga abaami kye basaanye okukola okusobola okuwangaala n'akawuka ka siriimu nga bali bulungi :**

**Mu mbeera eno abasajja kiki kye bateekeddwa okukola?**

Abasajja basaana okugenda okwekebeza akawuka ka siriimu nga bukyali ate bakifuule kyangu nga ekirina okubaawo mu bulamu bwabwe obwabulijjo.

**Kino kibayamba kitya?**

Omusajja bw'amanya bw'ayimiridde kimuyamba okusalawo ku ntambuza y'obulamu bwe.

Bw'asangibwa n'akawuka ng'atandikirawo eddagala, kino kiyamba okuwangaala. Kyokka bw'osangibwa nga tokalina era nakyo kikuyamba okusigala ng'otambulira mu mbeera ekwewaza okukwatibwa akawuka ka siriimu.


**Kiki ekirala kye bateekeddwa okukola okusobola okuwangaala?**

Bakyalireko ku malwaliro beebuuze ku basawo ekituufu kye bateekeddwa okukola.

Abasajja basaanye bayige okweyunira abasawo bababuuze buli kyebeetaaga okumanya ku bulamu bwaabwe .

**Abamu kisoboka okubeera nga beetya?**

Okwogera n'omuntu ebikwata ku



Dr. Nelson Musoba akulira Uganda Aids Commission.

bulamu bwo, n'okuzuula wa awatuufu w'osobola okufunira obujjanjabi kabonero akalaga obuvumu si ka batiitiizi.

Tewali muntu ateekeddwa kubonaabona mu kasirise. Osobola okutuukirira mukwano gwo gwe weesiga, Kansala oba abasawo abakugu .

Nga muno mulimu asobola okukubiriza okumira eddagala ng'a bwe bakulambika, okulya obulungi, n'okwewala okunywa omwenge n'okukozesa ebiragalalagala ebisobola okutaataaganya enkola y'eddagala ly'omira ne litakuyamba.

Okubeera ng'omira eddagala mu butuufu bwalyo kiyamba omubiri okumanyiira akawuka ka siriimu ne kiyamba n'omubiri okulwanyisa endwadde endala eziyinza ogulumbagana.

**Olwo abasajja biki ebirala bye basaanye okwewala?**

Beewale obwenzi obuyinza okubaleetera okukwatibwa endwadde z'obukaba endala.

Abasajja ab'enzi abeebaka n'abakazi ab'enjawulo kisobola okubaviirako okufuna akawuka ka siriimu ak'ekika ekirala ekivaako eddagala obutakola bulungi.

**Gavumenti kiki kyeteekeddwa okukola okuyambako?**

Baleete ebyetaagisa okumpi abasajja we basobola okubifunira ate nga mu budde nga byetaagibwa.

Okwekebeza, okubudaabuda n'obujjanjabi basaanye okubisembeza okumpi n'abasajja webakolera, n'ebifo ebimanyiddwa abasajja we basisinkanira nga ku siteegi za boda boda, ppaaka za takisi ne mu maduuka ag'enjawulo.

Kubanga weesanga ng'abasajja bangi bakaluubirizibwa okuva ku mirimu gyabwe okukyalira amalwaliro. Kale bwe babasembereza ebyetaagisa kiyinza okuyambira ddala.

**Dr. Nelson Musoba nga bwe yabitegeezezza KHASIFAH NAAVA.**